
# UEDCL yaakukwata abaayunga amasannyalaze mu bukyamu

Bya JOSEPH MAKUMBI

JOSEPH MAKUMBI



Akulira UEDCL, Paul Mwesigwa ng'ayogera eri bannamawulire e Najjanankumbi ku Mmande. Kozesa Digital Experience App olabe vidiyo.

EKITONGOLE kya UEDCL kirangiridde ebikwekweto okuva nga January 1, 2026 ku bantu abaayungibwa ku masannyalaze mu ngeri emenya amateeka. Akulira ekitongole kino, Paul Mwesigwa yagambye nti, baateekawo enkola ya *'Weetereeze'* ne bayita abantu bonna abaayungibwa ku masannyalaze nga tebayise mu makubo matuufu balabe bwe basobola okubayamba era bangi abeewandiisa abamu ne bakolebwako ne baweebwa ne mmita ku bwereere.

Yagasseeko nti, enkola ya *'Weetereeze* ekoma leero nga December 31, 2025, abantu bonna abateewandiisizza kusaba masannyalaze gaabwe kutereezebwa bagenda kukwatibwa bavunaanibwe mu mateeka.

Mwesigwa bino yabyogedde atongoza ekifo we bakung'aanyiza amasannyalaze ekya Kampala South Sub-Station e Najjanankumbi ekyalinnyisiddwa ne kyongerwako obungi bw'amasannyalaze ge bakung'aanyizaawo okuva ku Mega Watts 20 okutuuka ku Mega Watts 34.

Ekifo kino, kye kigaba amasannyalaze mu bitundu bya Salaama, Kigo, Najjanankumbi, Makindye, Kisubi ne Kabowa era okusinziira ku Yinginiya Protaze Tibyakinura akulira ba yinginiya ba UEDCL, ekifo kino kigabira abantu 108,000, kkampuni n'obukolero obutono 650.

Mwesigwa yagambye nti, okwongera ku bungi bw'amasannyalaze mu kifo kino kiddiridde okuvaavaako kw'amasannyalaze naddala mu budde bw'akawungeezi era kino kigenda kufuuka lufumo mu nteekateeka yaabwe ey'okutereeza empeereza eri Bannayuganda.

Yinginiya Protaze yagambye nti, bakola butassa mukka okulaba ng'ekizibu ky'amasannyalaze okuvaavaako kiggwaawo mu ggwanga nti, kyokka ekizibu kye bakyasanze okuva lwe bajja mu mpeereza mu April w'omwaka guno, gwe muwendo gw'abantu abakozesa amasannyalaze ogweyongera buli lunaku kyokka ng'empeereza ebaddewo, ebadde tebasobozesa kugabira bantu bonna masannyalaze.

Mwesigwa yagambye nti, obungi bw'amasannyalaze ge baayongeddeko bwa bitundu 75 ku 100 n'ategeeza nti, gagenda kuba nga gamala bulungi abantu mu kitundu kino.

Omuyambi wa RCC wa Kampala, Geoffrey Sserwadda, yeemulugunyizza ku bagagga mu Kampala abaggya ssente ennyingi ku bapangisa ku masannyalaze n'asaba ekitongole kiyingire mu nsonga eno.



Paul Mwesigwa akulira UEDCL, bayinginiya, amyuka RDC wa Makindye Ssaabagabo ne Kigozi Ssajjalyabeene nga batongoza ekifo.